# Naye dala, Katonda alina yo omutindo gwonna eri abo abagala okugenda mu ggulu?

## Oba omuntu yenna ayingira nga ye bwayagala n'asanyukira wamu Naye?

---

Ekisookera dala, tulina okumanya amazima okuva mu Kigambo kya Katonda kennyini, Bayibuli.

> *32 Mulimanya amazima, n'amazima galibafuula abe ddembe." Yokaana 8:32 NKJV*
>
> *Abantu bange bazikiridde olw'obutamanya. Kubanga wagaana okumanya, Nange ndikugaana okuba kabona wange; Kubanga weerabidde amateeka ga Katonda wo, nange ndyerabira abaana bo. Koseya 4:6*

Omukisa ogw'okugenda mu ggulu guweereddwa abantu bangi kyokka, mu bangi abatono be balondebwa. Okukkiriza n'obutagoberera mutindo oba enkola y'ensi.

> "Kubanga bangi *abayitibwa, naye batono abalondebwa*" *(Matayo 22:14, NKJV).*
>
> *Kale mbakubiriza mmwe, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu, entukuvu, esiimibwa Katonda, okwo kwe kuweereza kwammwe okusaanira. 2 So temugobereranga mpitirizo ya nsi eno; naye mu kyusibwe olw'okufuuka obuggya obw'omwoyo gwammwe, mulyoke mukebere bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituukirivu. Abaruumi 12:1-2*

Yesu yageraageranya obwakabaka obw'omuggulu oba okuyingira mu ggulu ku mbaga y'obufumbo oba embaga Isirayiri gye yayitibwa okusooka okuyita mu Ibulayimu ne Isaaka naye tebayanukula eri ku kuyita kwe nga bwe yayagala. Yajja eri abantu be naye tebaamumanya. Olw'ekisa, Yaggulawo oluggi eri amawanga gonna ag'ensi n'abantu bangi oba abagenyi abaayitibwa. Wadde ng'okuyita kugguliddwa nnyo eri bangi, embaga erina omutindo ogw'engoye ezigenda okwambibwa. Omusajja omugole bw'ajja—Yesu Kristo—afaayo ku ngeri gye twambadde, n'engeri gye tulabika ku lunaku lw'embaga ye. Kuno kwe kifaananyi mu lugero olw'embaga y'obugole, omusajja gwe baasanga nga tayambadde ng'omukolo bwe gwali, olwo n'asuulibwa ebweru. Matayo 22:11–13, NKJV).

> *Yajja mu nsi ye, naye abantu be ne batamwaniriza.Yokaana 1:11*
>
> *Yesu n'addamu n'ayogera nabo nate mu ngero, ng'agamba nti: 2 "Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana nga kabaka eyategekera omwana we embaga ey'obugole, 3 n'atuma abaddu be okuyita abaayitibwa ku mbaga ey'obugole: ne batayagala kujja.* 4 N'atuma

abaddu abalala ng'agamba nti, 'Mugambe abo abayitiddwa nti, "Laba, entegekedde ekijjulo kyange; ente zange n'ebisolo byange eby'omubisi bittiddwa, era *ebintu byonna biteekeddwawo. Mujje ku mbaga ey'obugole."* ' *5 Naye ne batassaayo mwoyo ne bagenda, omu mu nnimiro ye, omulala mu bya busuubuzi bwe.* 6 N'abalala ne bakwata abaddu be, *ne babagirira e kibi, ne babatta. 7 Naye kabaka bwe yakiwulira, n'asunguwala nnyo.* N'atuma amagye ge, *n'azikiriza abo abassi, n'ayokya ekibuga kyabwe. 8 Awo n'agamba abaddu be nti, 'Embaga ey'obugole eteekeddwa, naye abaayitibwa baali tebasaanira.* 9 Kale mugende mu masaŋŋaani g'enguudo, *n'abo bonna be munaalaba mubayite ku mbaga ey'obugole.'* 10 Awo abaddu abo ne bagenda mu nguudo ne bakuŋŋaanya bonna be baasanga, *ababi n'abalungi.* Era ekisaawe ky'embaga kyajjula *abagenyi.*

*11 "Naye kabaka bwe yayingira okulaba abagenyi, n'alaba omusajja eyali tayambadde kyambalo kya mbaga. 12 N'amugamba nti, 'Mukwano gwange, oyingidde otya wano nga tolina kyambalo kya mbaga?' Naye n'asirika. 13 Awo kabaka n'agamba abaweereza nti, 'Mumusibe emikono n'amagulu, mumutwale, mumusuule mu kizikiza eky'ebweru; waliba okukaaba n'okuluma amannyo.' Matayo 22:1-13 NKJV*

Obuyite bwa bwereere era buli eri buli omuntu asobola okukkiriza. Omuntu bwakkiriza, alina okwambala okufunanan omukolo gw'embaga. Buli kintu kyategekebwa okutuyamba okwambala olw'embaga -twaweebwa Omwoyo Omutukuvu okutuyamba- , naye bwe tusalawo okusigala nga twambadde mu ngeri y'emu nga bwe twali ku nguudo, tusindikibwa ebweru ng'azze.

Bwe tuba mu Kristo, ffe tufuuka ebitonde ebijya—ebikadde biba biweddewo, era laba nga tufuuse abapya.

*"N'olwekyo, omuntu yenna bw'aba mu Kristo, afuuka kitonde ekiggya; ebintu eby'edda biweddewo; laba, ebintu byonna bifuuse biggya." (2 Abakkolinso 5:17, NKJV).*

Omuntu yenna bw'aba ayagala okugoberera Kristo, alina okwegaana yekka—aleke obulamu obukadde, obwali bukozesebwa okugoberera Setaani—era akkirize okwagala kwa Katonda okufukibwa mu mutima gwe, era atambule nga Kristo bw'ayagala.

*"Omuntu yenna bw'ayagala okugoberera nze, yeefiirize yekka, yeetikke omusalaba gwe buli lunaku, angoberere" (Lukka 9:23, NKJV).*

*5 Naye okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa mu mitima gyaffe ng'Omwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa. Abaruumi 5:5*

*Temwagalanga nsi, wadde ebintu ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuli mu ye. 1 Yokaana 2:15*

Tewali muddu asinga mukama we; ekyo ky'akola Ye nafe kye tulina okukola.

*24 “Omuyigirizwa tasukka omusomesa we, wadde omuddu okusukka mukama we. Matayo 10:24*

Agamba nti abo abaabe baaba bamanyi eddoboozi lye, era tubamanyira ku bibala byabwe - emirembe, essanyu, obutuukirivu, obuwulize, obuwombeefu, okutambulira mu mazima, n'ebirala - kubanga baaba balungi.

> *"Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera" (Yokaana 10:27, NKJV).*

> *"Kale mulibategeera ku bibala byabwe" (Matayo 7:20, NKJV).*

> *"Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, obulungi, obulungi, obwesigwa, obukkakkamu, okwefuga.* Tewali mateeka galwanyisa bino" *(Abaggalatiya 5:22–23, NKJV).*

Ekkubo erituusa omuntu okufuna obulamu obutaggwaawo mu ggulu kwe kukkiriza Yesu Kristo, era bangi ku abo abaamukkiriza baabatizibwa era ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Babeera beetegefu okuleka obulamu obw'edda oba obukadde; abamu baatunda byonna bye baalina ne bareeta ensimbi ku bigere by'Abatume kubanga baali baagala okuleka byonna okugoberera Yesu.

Okukkiriza tekitegeeza okugamba bugambi nti "Nazaalibwa mu ddiini yange" oba "Nnina erinnya ery'eddiini," oba "Nfuna obudde okugenda mu kkanisa”—ekikakasa kiba nti olesse obulamu bwo obw'edda oba obulamu bwewalimu ku nguudo era n'oyambala okusinziira ku mbeera y'eggulu ng'omuntu ali mu kitangaala kya Katonda, Yesu Kristo, ng'okulemberwa Omwoyo gwa Katonda.

> *"Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda." (Abaruumi 8:14, NKJV).*

Kino kitegeeza nti waliwo bangi abeeyita batabani oba bawala ba Katonda naye nga tebakulemberwa Omwoyo wa Katonda; n'olwekyo, si batuufu. Tewali ngeri Omwoyo wa Katonda gy'asobola okubeera mu ggwe n'akukulembera okukola ebibi gyali Ye.

> *"Naye ebikolwa by'omubiri byolesebwa, bye bino: obwenzi, obukaba, obutali bulongoofu, obukumpanya..." (Abaggalatiya 5:19, NKJV).*

Buli azaaliddwa Katonda taddamu kweyongera kukola kibi. Ekibi kibulwa amaanyi gaakyo olw’Omwoyo Omutukuvu.

> "Buli muntu yenna azaaliddwa Katonda takola kibi, kubanga ensigo ye ebeera mu ye; era tayinza kukola kibi, *kubanga yazaaliddwa Katonda" (1 Yokaana 3:9, NKJV).*

Bangi bagamba nti ba Yesu, naye amakubo gaabwe tegakyukanga okuva mu bulamu bwabwe obw'emabega obw'okubeera ku nguudo oba obw'ensi. Balina ekifaananyi ky'okutya Katonda, naye nga ate beegaana amaanyi ga Katonda. Dduka okuva mu bantu abo okununula obulamu bwo.

> 1 Naye tegeera kino, ng'omu nnaku ez'oluvannyuma walijja ebiro eby'okulaba ennaku: 2 Kubanga abantu baliba nga beeyagala bokka, baagala ebintu, abeenyumiriza, ab'amalala, abavumi, abatawulira bazadde baabwe, abatasiima, abatali batukuvu, 3 abatalina kwagala, abatalina kusaasira, abawaayiriza, abateegendereza, ab'ekyejo, abatayagala bulungi, 4 abalimba, abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala essanyu okusinga Katonda; 5 nga balina ekifaananyi ky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo. Era abantu abo obaveeko! 2 Timoseewo 3:1-5

Twetaaga okukkiriza Omwoyo wa Katonda n'amaanyi ge okukola mu ffe, okubeera nga Yesu Kristo. Lwaki wandikkirizza nti Katonda alina amaanyi gonna naye ate notakkiriza nti asobola kuwonya ebilwadde byonna, nti era tasobola kukukuuma eri eddogo, nti tasobola kufuula mugagga kati newesalira amakubo ag'obukujjukujju, nti tasobola kusinsinkana byetaago bya baana bo? Bangi balina obulamu obutanyuma oba nga tebwokya era tebunyogoga nga Katonda ali ng'ekirowozo obulowozo kyokka nga talina maanyi ku byebasalawo n'engeri gy'ebatambuzamu obulamu.Vva mu bantu abo, odduke olokole obulamu bwo.

**Weetaaga Omwoyo Omutukuvu.**

Bayibuli eyogera ku bawala ekkumi, abataano ku bo baali bagezi, n'abataano bo baali basirusiru. Abagezi baasigaza ettabaaza zaabwe nga zaaka ku lwa Kristo, ate ng'abasirusiru amafuta gabagwaako.

> *"Mu biro ebyo obwakabaka obw'omu ggulu bulifaananyizibwa abawala ekkumi, abaaatwala ettabaaza zaabwe, ne bagenda okusisinkana omugole.* Abataano ku bo baali bagezi, n'abataano baali basirusiru" *(Matayo 25:1–2, NKJV).*

Amafuta gakiikirira amaanyi era n'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu, mu bulamu bwaffe. Bwe tumuvaako ne tutandika okubeera ng'abantu b'ensi, nga tutambulira mu kizikiza, ekiddako kwe kuzikirira.

> *"Kubanga empeera y'ekibi kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe." (Abaruumi 6:23).*

Bayibuli eyogera ku Mwoyo Omutukuvu ng'ekirabo, nga obulokozi bwe buba ekirabo, nga kitegeeza nti ekirabo kifuulibwa ekiramu mu ffe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu yekka.

> *[13] Kale mmwe, bwe muba nga muli babi, mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, walala Kitammwe ali mu ggulu talisingawo nnyo okuwa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba!" Lukka 11:13*

> *8 Kubanga mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza, era tekwava gye muli;* kyo *kirabo kya Katonda, 9 tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumiriza. Abeefeso 2:8*

Okuyitibwa eri embaga kukoleddwa nga kwabwelere, si lwa kuba nti ggwe eyali asingayo okuba ow'amagezi, naye olw'okuba nga Kabaka y'asalawo. Wabula, tulina okwambala nga tufanana okuyitibwa kwafe oba embaga.

*15 "Nze muzabbibu ogw'amazima, ne Kitange ye mulimi. 2 Buli ttabi eriri mu nze eritabala bibala aliggyawo ; na buli ttabi eribala ebibala alirongoosa, lyeyongere okubala ebibala.*

Petero yagamba abantu abaali bawulidde enjiri okwatula Kristo, okwenenya ebibi byabwe, n'okubatizibwa olw'okuggyibwako ebibi byabwe. Mazima dala, bangi abaawulira enjiri ne beenenya ne bafuna obulamu obuggya.

"Awo Peetero n'abagamba nti: 'Mwenenye, era buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo *olw'okusonyiyibwa ebibi byammwe; era mujja kufuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu'" (Ebikolwa 2:38, NKJV).*

Eggulu lyetaagisa okukkiriza mu Yesu Kristo. Netukkirize obulamu obwobupya mu Ye era netuleka obulamu obukadde. Twambala engoye empya oba tuzaalibwa omulundi ogwokubiri. Tutandika okutambulira mubulamu nga obwa Yesu Kristo era tutambula nga ye bwe yatambula kunsi.

*13 "Muyingire mu mulyango omufunda; kubanga omulyango mugazi n'ekkubo liwanvu lye ligenda mu kufa, era bangi abaliyitamu. 14 Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo liyingo eritwala mu bulamu, era batono abalizula. Matayo 7:13-14*

*20 N'olwekyo mulibategeerera ku bibala byabwe.21 "Si buli muntu aŋŋamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange,' aliyita mu ggulu, naye oyo akola ebyo Kitange ali mu ggulu by'ayagala. 22 Bangi baligamba ku lunaku luli nti, 'Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya Lyo, tetwagobanga badayimooni mu linnya Lyo, era tetwakolanga byamagero bingi mu linnya Lyo?' 23 Naye ndibagamba nti, 'Sibamanyangako; mugende wala mmwe abakola ebibi!' Matayo 7:20-23*

*6 Oyo agamba nti abeera mu ye asaanidde naye okutambula nga ye bwe yatambula. 1 Yokaana 2:6*

*N'eriso lyo bwe likwesittaza, liggyamu, olisuule wala. Kisinga okuba ekirungi gy'oli okuyingira mu bulamu ng'olina eriiso limu, okusinga okusuulibwa mu muliro ogw'omu Ggeyeena ng'olina amaaso abiri. Matayo 18:9*

Leero, nga bwowulira eddoboozi lya Katonda mu mutima gwo, weenenye era okyusibwe. Wegane obulamu obukadde era ofune obulamu obuggya mu Kristo—kuno kwe kuzalibwa omulundi ogwokubiri n'ozibwa bugya mu Mwoyo, olwo ofaanane nga Kristo.

**Saba esaala eno:**

Mukama wange Yesu Kristo, nsaba onsaasire mu kisa Kyo. Ntambulidde mu kibi era sitambulinde mubutukuvu nga bwe wandyagadde era nga bw'oyagala. Nneenenya era kati nkwatula mubujuvu okubeera Mukama wange era Omulokozi wange. Nneewaayo okutambula nga nkugoberera n'okukola ebyo by'oyagala. Nnegana obulamu obukadde obw'ekibi era nfuulibwa muggya. Nkugondera okuva kati era obulamu bwange bwona. Amiina.

Ozizza obugya obulamu bwo ne Mukama. Kati, okwenenya okw'amazima kulabikira mu ebyo ebibaawo oluvannyuma lw'okusaba.

**Bino wammanga bikulu nnyo:**

Weegatte ku kkanisa ekkiliriza mu kukola kw'Omwoyo Omutukuvu, oyo ayoleka Yesu Kristo mu bulamu bwo. Omwoyo Omutukuvu Y'alina amaanyi ag'okufuula omuntu obulamu obugya. Ne Yesu, ng'ali ku nsi, yali yeetaaga Omwoyo Omutukuvu okukola emirimu emirungi egya Katonda, Kubanga mu kiseera ekyo yali kikumi kukikumi muntu era nga Katonda.

> *"Omwoyo wa Mukama ali ku nze, kubanga anfuseeko amafuta okubuulira enjiri abaavu; antumye okuwonya abalina emitima egimenyese, okulangirira eddembe eri abasibe n'okuzza amaaso eri abazibe, okutegeeza abanyigirizibwa nti balina eddembe" (Lukka 4:18, NKJV).*

> "... Katonda bwe yafukako amafuta Yesu Omunnazaaleesi n'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi, eyatambulanga ng'akola *ebirungi era ng'awonya bonna abaali babonyaabonyezebwa Setaani, kubanga Katonda yali naye" (Ebikolwa 10:38, NKJV).*

Weetaaga okuyigirizibwa ebintu ebikulu mu bulamu, nga okusaba, okumanya Yesu ng'osoma Ekigambo kya Katonda buli lunaku, okuyiga okuwangula okukemebwa Setaani, okuweereza Yesu era n'okumugondera.

Katonda atadeewo ennono ez'okubeera mu bulamu obulungi —ne bwoba nga ggwe omuzannyi asinga bonna, nga Messi oba Cristiano Ronaldo mu mupiira gwa maggulu, olina okuzanyira awamu nebaano nga timu era wetaga okuba n'omutendesi.

Weetaaga omusomesa oba omutendesi okukola obulungi ng'omwana wa Katonda.

Njagala nyimilile wamu nawe mu lugendo luno. Ntegezako nga onkubira kusimu oba nga owereza obubaka gyendi.

**Pr. Samuel Tusubira K.**

Kingdom Power Church

Kingdom Power Ministries

P.o. Box 193022

Kampala

+256 752 288086